**30th August 2015.**

# OKUKKIRIZA NTI YESU LYE KKUBO, N'AMAZIMA, N'OBULAMU.

**Yokaana 14:1 – 14.**

Nga bwe twatandika okusomesebwa kw'ebyo Mukama waffe Yesu Kristo bye yayogera eri Abayigirizwa be ekkumi n'omu ng'abasiibula, oluvannyuma lwa Yuda Isukalyoti, okubaamuka agende amulyeemu olukwe, olwo embeera y'okweraliikirira yabaggyira, - kubanga bwe baali baakamala okumuyingiza mu kibuga n'emizira mu kitiibwa,(ekyabaleetera okwesunga ebifo bye baali bawakanira), ate ali bbagamba , 'waliwo mu bbo anaamulyaamu olukwe'! ate 'akaseera katono ka kyaali nabo', (13:33), nga ne Peetero mpagi luwaga waabwe alabise okumweegaana! Olwo nebasoberwa nnyo….
Kwe kubagamba nga bwe tusoma leero….. *[soma 1- 14]*.

Nga bwe tuwulidde, mu nnyiriri zaffe zino mwe muli " Nze ndi" ey'omukaaga Yesu gye yayasanguza eri Abayigirizwa, nti "Ye yali ekkubo, n'amazima n'obulamu". Ffena leero kye twaali tuwulidde emirundi mingi nnyo…… naye ng'essira Mukama lye yakissaako kwe kuba nti kitugwaanidde okikkiririza ddala.
Kubanga nkiwa nti n'Abayigirizwa ba Yesu baali bakiwulidde entakera osanga nga bwe guli naffe bukya tutandika misomo gyaffe mu njiri eno, naye ate nga tebabitegeera, - ekindowoozesa nti kye kyabibagambisa ebisatu omulundi ogumu ng'awumbawumbako okubuulirakwe gyebali – abawa 'summary'.
Kubanga ebibuuzo bye baamubuuza byaali byolesa bulungi obweetaavu bwabwe okubakalaatira okubikkulirwa kwe baalina okuba nga baali baafuna dda ku Yye.
Lnny. 9……. Kyava amugamba mu 10 - 11….. ekyamutandisizza n'olnny 1….
"mukkiriza Katonda, era nange munzikirize."
Nti nga bbo, naffe kitugwaanira okufuna okutegeera kwaffe kwe'byo byonna ebizze bitubuulirwa mu kubikkiririzaamu ng'obutuufu obuleeta okutuukirizibwa kw'okwagala kwa Mukama Katonda Kitaffe gyetuli okwanamaddala era okw'olubeerera, okubiganyulwaamu.

Mu ssuula 1:14 ne 17 Yokaana yatandika n'ottugamba nti Yesu yali ajudde Amazima, era olw'obutuukirivu bwe mw'ekyo byonna bye yayogeranga gaali Mazima okwoleka kye yali, nga bwe tunaalaba addamu Piraato mu ssuula 18:37, nti ekyamuzaaza era ekyamuleeta mu nsi kwe kutegeeza Amazima….
Nate okuva mu ssuula 3:15, Yesu yaggya abuulira abantu nti ye yali ensibuko y'obulamu obutaggwaawo, kye yassaako essira mu ssuula 6:47 – 50……., nate ne mu ssuula 11:25,26…..
Mu ssuula 10:7,9 yali abakakasizza awamu naffe nti Ye Mulyango buli amuyingiriramu mwafunira okulokolebwa, n'asobola okuyingiranga n'okufuluma nga bwaaliisibwa mu ddundiro lya Mukama.

Kaakano kwe kubiwumba nti Lye kkubo, n'amazima, n'obulamu, era nga bwe twaalaba omwaka nga gutandika, Tewali asobola kutandika lugendo nga tamanyi kkubo lya kwaata, na bwekityo teri asobola kutambuza bulamu bwe mu kkubo ddala lyonna ne butuukirira okujjako ng'abutambuliza ku Yesu.
N'ekirala, tewali abaako kye yandyeetaaze okumanya mu bulamu buno, atayagala amanye obutuufu bw'akyo. N'olw'ekyo mu kubeera gyetuli amazima, Mukama atukakasa nti Yye gwe tugwaanidde okupimirako obutuufu bwa buli kimu mu bulamu bwaffe.
Era n'okubeera kwe Obulamu, kiri nti tewali kisobola kubeera kiramu okujjako nga Mukama Yesu akisobosezza, era nga bwe tubuulirwa mu Baefeso nti mu Yye era kululwe byonna mwe byatondebwa era gwe byatondebwa ku nsi ne muggulu, ebirabwaako ne'ebitalabwa maaaso gaffe…..
Ebyo bye bitatuganya kweraliikiriranga, ne kitusobozesa okukkiririza mu Mukama ne tuba n'entabagana mwe tusaba byonna bye tumwaagaza okutuukiriza okwagala kwe mu ffe ne tubeerwa n'obusobozi okkola okwagala kwe mu bulamu bwaffe.

Era ekikulu tekiri nti tubimanyi…. Wabula tubikkiriza… tusobole okubitegeera.
Barclay yagamba nti Okukkiriza mu Yesu Kristo n'okuba n'essuubi mu bisuubizo bye kye kikakasa okubudaabudibwa kw'emitima gyaffe, kubanga wajja ekiseera we tulina okukkiriza wetutasobola kakasa n'okukkiriza wetutasobola kutegeera.
Mu ssaawa eyakazigizigi bwe tukkiriza nti waliwo omugaso mu bulamu era ng'omugaso ogwo kwe kwagala, n'ebitasoboka biyinzika, era ne mu kizikiza mu baamu akatangaala. Mukama atusaasire tubeere ddala abakkiriza.